# NDA ekkirizza eddagala lya siriimu ery'empiso okutandika okukozesebwa omwezi ogujja

Bya MUSASI WAFFE

EKITONGOLE ekivunaanyizibwa ku by'eddagala ekya National Drug Authority (NDA) kikkirizza okutandika okukozesa eddagala eppya erya 'lenacapavir' ery'empiso eriyamba okutangira siriimu erikozesebwa emirundi ebiri mu mwaka.

Eddagala lino ligenda kutandika okutundibwa mu Uganda nga litambuzibwa mu nkola ya Pulezidenti wa America eya President's Emergency Plan for AIDS Relief (PEPFAR).

Ekitongole kya NDA okukkiriza kyasoose kugezesa eddagala ne kizuula nga teririna buzibu ku bulamu bw'abantu. Ekitongole ky'ensi yonna ekya World Health Organisation (WHO) kye kyasooka okukkiriza okukozesa eddagala lino ng'erimu ku makubo ag'okutangira akawuka ka siriimu.

Olw'okuba nga Uganda lye limu ku mawanga agasinga okutawaanyizibwa ekirwadde kya siriimu, lyaweereddwa omukisa okufuna eddagala lino ku bbeeyi eya wansi.



Eddagala ly'empiso eriziyiza okufuna akawuka ka siriimu eryakkiriziddwa NDA okukozesebwa okutandika n'omwezi ogujja.

Gavumenti ya America ng'eri wamu n'ekitongole kya Global Fund baakoze entegeka z'okugulira abantu abawera obukadde bubiri, eddagala lya lenacapavir mu mawanga agatawaanyizibwa ennyo siriimu we tunaatuukira mu 2028.

Ekitebe kya America kyategeezezza nti, abaakoze eddagala aba kkampuni ya Gilead bakkirizza okukwatagana n'amakampuni amalala agakola eddagala nabo bafulumye eddagala lino abantu basobole okulifuna ku bbeeyi eteri ya waggulu.

Eddagala lino erikozesebwa buli luvannyuma lwa myezi mukaaga, lijja kutandika okukozesebwa omwezi ogujja nga bagaba doozi 94,560 eri abantu 47,280.

Abamu ku bagenda okuganyulwa be bawala abali wakati w'emyaka 15 ne 24, abakazi abali embuto, abayonsa, abakazi abatunda akaboozi n'abasajja ababagula, abavubi, baddereeva abavuga eng'endo empanvu, n'abalala.

Dr. Hebert Kadama, akwanaganya emirimu gy'ekitongole kya PrEP mu minisitule y'ebyobulamu yagambye nti, baamaze okufuna doozi 17,280 ezaaguliddwa ekitongole kya Global Fund, ate nga PEPFAR yatonye doozi 30,000. Eddagala lino ligenda kubeera lya bwereere mu malwaliro agawera 180 okwetooloola eggwanga.

Akulira ekitongole kya Uganda Aids Commisiion, Dr Nelson Musoba yagambye nti, eddagala lino ligenda kuyamba nnyo eggwanga mu kaweefube w'okumalawo obulwadde bwa siriimu we tunaatuukira mu 2030.

Mu December wa 2023, abantu abagambibwa okuba ne siriimu mu Uganda baali babalirirwa okubeera nga basukka 1,492,000.

Dr. Flavia Kiweewa Kiwanuka avunaanyizibwa ku by'okugezesa eddagala lya siriimu yagambye nti, Uganda y'emu ku mawanga ga Africa agagenda okusooka okuganyulwa mu ddagala lino.